

18th October 2015.

**OKUBEERA KWA YESU KRISTO MU BUYINZA BWA BULI
MBEERA.**

Yokaana 18.

Amakya ga leero, mu nsomesa zaffe ezisinziira mu njiri ya Yokaana gye tulina ng'omulamwa gw'okusomesebwa kwaffe kwa buli lunaku lwa Mukama (ssi nti endala ssi zize – wabula nti lwe lwaawulwa ng'olwo ffe abamukkiririzaamu kwe tussa essira okumusiinzizaako ne tuwummulira mu Yye.), tutandika ekitundu eky'okuna era ekisembayo mu njiri eno, omutume Yokaana eyayagala era n'ayagalwa Mukama waffe mu ngeri ey'enjawulo mw'afuba okutukakasa nga Yesu Kristo bwe yali Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza tulyoke tube n'obulamu mu linnya lye.

Nga mu ssuula esooka twalaba ennyanjula n'obufunze bw'emiramwa gy'enjiri emikulu, ate okuva mu ssuula ey'okubiri okutuusa ku y'ekuminabbiri ne tulaba obuweereza bwa Yesu Kristo eri ensi, ne mu kuva mu ssuula ey'ekuminassatu okutuusa ku y'ekumin'omusanvu ne tulaba obuweereza bwe obw'ekusifu eri abayigirizwa be ab'okumwanjo – ng'abalaga okwagala, ng'abasomesa, abagumya, era abawonga eri Kitaffe, era kaakano tuyingidde mu ntikko z'enjiri mu ssuula eno okutuusa ku y'abiri mw'emu mwe tulabira okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo Mukama waffe.

Tujja kuba n'ensomesa bbiri mu ssuula eno ku mitwe ebiri gye nasazeewo okussaako essira mu yyo ng'ogwa leero; OKUBEERA KWA YESU KRISTO MU BUYINZA BWA BULI MBEERA. Gwe gunaasooka omulundi oguddako Mukama ng'akkirizza tulabe “OKULYAAMU MU MUKAMA WO OLUKWE”! Gy'ombi egilukiddwa mu byawaandiikibwa by'essuula eno n'olwe'kyo leero tugenda ggisoma mu yonna,[Okusoma].

Obulamu bwa Yesu Kristo Mukama waffe ku nsi nga bwe butubuulirwako mu njiri zonna ennya ng'ebyawandiikibwa ebikulu by'ebyafaayo bye, - tulaba eky'ewuunyisa ennyo ekikakasa okw'awulwa kwe ng'ow'obuyinza obw'enjawulo mu buli mbeera, okugeza;

- Okuzaalwa mu kiraalo ky'ente ng'omuwere kyokka n'alangwa eggye lya bamalaika awamu n'emmunyeenye mu bbanga!
- Ne yeewaayo okubatizibwa era n'akakasibwa eddoboosi ly'eggulu erya Katonda era n'okukkibwaako Omwoyo Omutukuvu!
- Ne yeebaka mu lyaato mu bukoowu, - n'azuukusibwa okuteesa omuyaga!
- Nakaaba amaziga ku ntaana, ate n'azuukiza eyali affudde ennaku nnya!
- Ne yeewaayo okkwaatibwa abo abaggya ommukwaata nebagwa wansi mu ku beyanjulira mu kitiibwa kye!
- Era tulaba nga bwe guli nti afa ku musaalaba mu bulumi obw'ekitalo mu kkyo n'awangula ekibi, okufa ne Sitaani.

Byonna byewuunyisa nnyo, era Omutume Paulo ky'av'agamba mu I Kkol. 2:6 – 10 nti[Soma].

Kyokka ate ago ge mazima agannamaddala agakakasa obutuufu bwa buli kimu, agagwaanidde okuba obulambukufu bw'enjiri, nga Yesu kristo kkennyini bwaddamu Piraato mu lny. 37 nti.... Kyokka ate Piraato n'abuuza mu 38 nti “Amazima kye ki?” Aba kuba mutegeevu era muzibule mu mwoyo nga mulamu, yandibadde aggyako akabuuza n'agamba nti “Amazima kye kyo!”

Yesu Kristo yazaalibwa kufa olw'ekibi, n'okwagala okwaggira mu yye okwajja okukiwangula, n'okufa kwe kyaleeta awamu n'omussi eyakileesa.. ng'Omutume Paulo bwe yagamba mu Bakkolasaayi 2: 13-p nti.....

Mu kulaba obuyinza bwa Yesu Kristo mu mbeera enzibu gye baalimu ekiro ekyo, okusooka bwe tulaba mu Yok. 12:27, ng'ayogera ku kufa kwe lugamba nti..... Ate mu 32 n'agamba nti....

Tujjukire nti mu ssuula 10:17-18, yali yagamba nti ...

N'olw'ekyo bwe tulaba ng'ava mu kibuga n'agenda mu nnimiro gye yali amanyi Yuda gyanamusanga, yali amwanguyiza omulimu gwe, era okwewala akegugungo akandibaddewo mu kibuga, osanga n'abayigirizwa be akandibaleetedde akabasa.

Nate abaggendayo yeka abayigirizwa be tebandimulabye nga yeewaayo, era n'alagira balekwe mu lny.8

Twetegereze obuvumu bwe ngasisinkana abaggya ommukwaata...nny. 4- 8, 11, awamu ne ngali n'abamuwozesa....Ana mu nny. 19-21, 23

Yokaana tayogera ebyaali ewa Kayaafa, eyali kabona asinga obukulu, naye tumanyi okuva mu njiri endala nti teyatintima mu ngeri yonna okubaanukula wadde okwetaasa ebivumo n'ebikubo ebyamubonyaabonyezebwa...

Ne mu maasao ga Piraato nga bwe twaakikoonyeeko, Yesu yayimirira bwetengeredde mu buvumu bw'oyo ali mu mitango gy'embeera. Tulaba mu nny. 36.

Tweetegereze amaanyi ge amasukkulumu agasuula abazze ommukwaata ng'abeyanjulira nga "Ye Nze" oyo kkennyini omubeezi wa byonna wonna emirembe gyonna, nny 5,6, kuba eri erinnya lye buli lulimi lwatula Obukama na buli vviivi ne livunnama....

Era Omutume Paulo nga bwe yagamba Timoseewo mu I Tim. 6:13 -16 nti.....

Kitugwaanidde mu bye tulabisibbwa leero okufuba okukuumanga okukkiriza kwaffe mu Mukama waffe Yesu Kristo nga tekuliiko bbala wadde okunenyezebbwa, bwe tuba nga tunaalabanga obuyinzaabwe mu mbeera z'obulamu bwaffe zonna, ezirabika ng'ennungi awamu n'ezirabika ng'embi. Kubanga ddala ddala mu zonna afuga, mu kwagala kwa Katonda gye tuli...